# D.O.W.B.I

## DOERS OF THE WORD BIBLE INSTITUTE

# CERTIFICATE

## IN MINISTRY

KAMPALA BIBLE

REVELATION CHURCH




# ENKOLA EZ'OKULAKULANA

**Name/Erinnya**______________________________________________________________

**Located/ Tusangibwa**

* Kirumira Towers 6th Floor [City Campus]
* Makerere, Mukubira Zone near MBI Off Sir Apollo Kaggwa Rd.

# KAMPALA BIBLE REVELATION CHURCH

DOERS OF THE WORD BIBLE INSTITUTE
KIRUMIRA TOWERS 6TH FLOOR [CITY CAMPUS]
COURSE OUTLINE (3 HOURS)

# ENKOLA EZ'OKULAKULANA

## >OKUNNYONYOLA:

- Kwe kufuna ky'olubirira, oba okugenda mu maaso obulungi.
- Kwe kumanya ekigendererwa n'okwagala Katonda eri obulamu bwo.
- Kwe kumanya ekkubo ly'obulamu bwo erikutuusa ku kye watonderwa.
- Tuli batambuze ku nsi, tetugenda nga tuzunga buzunzi

Okulakulana kujja na nkola so si kufuba: Omubulizi 9: 11. enkola z'okukulakulana zaava dda era zikyusa obulamu bw'abantu

## >>OMUNTU ABEERA N'OKWOLESEBWA KWA MIRUNDI EBIRI:

1. Okwolesebwa kwa Katonda: Yeremiya 1: 4 – 5; Ebikolwa 26: 15
2. Okwolesebwa kw'obulamu bwo : (kuteekwa okukirizigannya n'ekigambo kya Katonda) kuyambibwa ko ebirabo ne talanta byolina: Yokaana 4: 34

## >>AMAANYI GA BIKA BI BIRI AGALEETA OKUKULAKULANA:

- **Enkwatagana**
  Enkwatagana yo ne Katonda: Yoswa 1: 7 – 8
  Enkwatagana yo n'abantu. Olina okufuna obukugu mu ku kwatagana n'abantu: Luka 2; 52

- **Ebintu by'okola mu bulamu**
  Ebintu byokola leero bisalawo ky'onobeera enkya: Abaggalatiya 6: 7 – 9.
  Obulamu obuteeketeeke obulungi era nga bufaayo ku bintu ebikulu kikolwa kya buwanguzi: Abaefeso 4: 1

## >>OKUZUULA OKUKULAKULANA:

1. Okulakulana kutandikira mu birowoozo. Kwe kulowooza ku nkomerero ennungi.
2. Kwe kubeera n'ebirowoozo ng'ebifaananyi eby'ekyo ky'onobeera mu maaso.
3. Enkwatagana yo n'okussa ekimu kwo n'abantu, program za radio ne tiivi, n'ekanisa gy'ogenda mu bikulu nnyo.
4. Amawulire g'ofuna ge gakufuula ekyo kyooli.
5. Engeri gy'okyuuka mu n'engeri gye wetwaalamu okusinziira ku mawulire golina.
6. Endowooza yo esalawo ku kutumbiira kwo mu bulamu.

## >>EBIGENDERERWA BY'OKUKULAKULANA:

- Watondebwa ku kulakulana: Oluberyeberye 1: 26 – 28, Zabbuli 35; 27
- Okukulakulana kuleeta essanyu: 1 Samwiri 18: 6;
- Okulakulana kuleeta obufuzi: Oluberyeberye 23: 5; 39: 2 – 5.

## >>EMITENDERA 4 EGY'OKUKULAKULANA:

- **Enkwatagana yo:** abantu botambula nabo, boyogera nabo, n'ebintu by'osoma.
- **Amawulire:** enkwatagana yo ekuletera amawulire. Kye tuwulira ki tukyuusa.
- **Okukyuuka:** kiteegeza okukyusibwa okusinziira ku kyowulidde, obulamu bwo n'ebukyuuka okusinziira ku kumanya kw'olina. Kino kye kisalawo ekifo wolina okubeera.
- **Endowooza yo:** engeri gy'olowooza mu esinziira ku mawulire g'ofuna.

## >>EBISUMULUZO 10 BY'OKOZESA OKUZUULA ENKOMERERO YO ENNUNGI:

1. Okuyayaana okunene ennyo mu mutima gwo: Zabbuli 37:4
2. Kintu ki ekikusiikula n'owulira omuliro? Yokaana 2: 13
3. Kiki ky'owulira ng'osobola okukikola obukozi? 1 Samwiri 16:18
4. Wa woleetera ebibala ebirungi? Matayo 12: 33
5. Kiki Omwoyo Omutukuvu kyajulira eri omwoyo gwo? Luka 2: 25
6. Abalokole abakulu kiki kyebakulaba mu? 2 Timoseewo 1: 5
7. Mulimu ki oba buwereza ki bwowulirira mu emirembe okukola? Abaebbulaniya 12: 14
8. Birowoozo ki oba birooto ki byotoyinza kujja mu mutwe gwo?
9. Kiki kyoyinza okwewa kikumi ku kikumi okukikola obulamu bwo bwonna?

10. Abantu kiki ekibasikiriza okujja woli? Era kiki kye bagaala okukuyamba ko okituukeko?

## >>Ebyetaagisa okukulakulana:

1. Obwegendereza – tomala gagenda, tomala gayita mu nsi
2. Okuyiiya – wetaaga okuyiiya okukola ebintu ebitali bya bulijjo
3. Obuvumu – towuliriza bantu abogera obunafu

## >>Enteekateeka y'ebintu esinga obulungi (enteekateeka ya sse kinoomu):

- **Okukkiriza** – okwezimba n'okukula mu kukkiriza kye kirina okuba eky'oku nttiko
- **Okutuukirira** – mu birowoozo, mu mwoyo ne mu mubiri kirina okuba ekikulu
- **Amaka** – enkwatagana yo ennungi n'abo mu maka go kirina okuba ekigendererwa
- **Okussa ekimu** – wetaaga okubeera n'abantu abakuzimba bokka
- **Eby'ensimbi** – teekawo amakubo amagolokofu ag'ennyingiza yo
- **Okuzannya** – okuwummula n'okuzannya birina okubeera ekitundu ku bulamu bwo.

## >>Ebintu ebisalawo ku kukulakulana Katonda kwe yakutegekera:

- **Omumwa:** weyigirize okwogera ekigambo kya Katonda kubanga omumwa gwo gwe guvuga obulamu bwo. Yakobo 3: 2 – 5.
- **Omutima:** okufumiitiriza kikulu nnyo era kireeta okukulakulana Zabbuli 1: 1 – 3.
- **Okukola:** olina okuba omukozi w'ekigambo kya Katonda. Yakobo 1: 22

## >>Okuteekateeka ebiruubiririrwa mu bulamu kye kisumuluzo eri okukulakulana:

- Ekirubiririrwa ky'ekirooto kyoyagala okubeera, ekifanaanyi ky'obeera nakyo mu birowoozo okukola ekintu. Kikuwa amaanyi ku by'osuubira.
- Ekiruubiririrwa kyo kirina okubeera ko ekiseera, nga kikoleka era kigereddwa mu kiseera.
- Ekiruubiririrwa kisobola okujjululwa oba okulongoosebwa mu
- Ekirubiririrwa kirina okukenenulwa
- Ekirubiriwa kigezesebwa n'ekigambo kya Katonda, n'okusaba
- Ekirubiririrwa tekibikkulwa nga ekiseera kyakyo tekinaba.

## NOTES/WANDIIKA